SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Kalibattanya - 2007/11/22 19:07

Omugenyi eyajja ku family sunday show eyayita 18/11/07 yagamba nti kiino ekyokwenyeenya nga enyimba zivuga si kuzina kubiibya. Nange wembuuliza nti kati tugamba tutya, kubiibya balongo? Kubiibya mabiibyo maganda? Kubiibya ndongo? Gundi akola gwa bubiibi oba bubiibya? Kati kkwo okuzina kutegeeza ki?

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Bikolwa - 2007/11/22 22:45

lol - ndowooza kubiina

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Zoozo - 2007/11/23 10:53

It must be the political correctness mania sweeping Uganda as well. But on second thoughts, it might have had a lot to do with the state of the mind of the guest. Does he need help you think?

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Meli - 2007/11/24 13:11

Some help wouldn't hurt him indeed. Kubanga nange ndowooza nti okubiibya kwe kuzina empola mpola. Siwuliranga ko abiibya balongo, abo bulijjo bazina bazine. Nokugamba omuntu nti mubiibya by profession, obanga ajerega. Abeera muzinyi. Era tugamba nti; abayimbi nabazinyi. Kwekuva nolugero olugamba nti; Atazina ayimba nnyo.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by kamikatono - 2007/11/25 18:42

Kawakayima bwolaba katenga omukila nga kazina...

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by omumbejja - 2007/11/26 01:32

Kati Kamikatono wazze omazeeko okutwekwatira wakayima kisolo ki ye nkima oba ekirala okubiibya oba okuzina oteekwa okubaako akabina kati nyinyonyola akabina kawakayima gyeyakaggya atandike okuzina oba okubiibya . Oba kale ebyokutenga omukira byogerebwa nekubantu kati olwo ekinavaamu ngogamba otya.....??????????????

kuba owadde ensolo amazina ga bantu

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by JBugonzi - 2007/11/26 22:55

Sebbo Omumbejja,wakayima kabela kasolo era k'akozesebwaanga nnyo mubutabbo bwedda nga akasolo akagezzi(Geneous),akasolo kano katono nnyo okusinga kunsolo endala,naye kagezzi era kali tricky,kechanga n'okwechanga.

Sebbo Omumbejja,ate manya nakinno,munange kalina Omukira/tail mpozzi muluzungu kamanyikiddwa nga Mr.HARE.

Mr.Hare ono one day yatrickinga wampissi namugamba nti tugende tuyigge,byaali biseera byanjala,kati namugamba nti gwe ojja kubeera eri wansi,nze mbeere wagulu,naye nze bwensaggula nowulira ekiwuuuma nti uuuuuuuuuuuuuuuuuuuuuuu,,,nga oteeega,naye ate bwowulira ekileekaana,nga ossaawo.nakyo obusilu kyassaawo nebakuba kukitwe,olwo wakayima natandika okuteenga OMUKIRA,N'okubiibya nga bwabibya.

kalenno,okuzinna mubelamu okunyenya ekiwatto/waist,naye ate mukubiibya muberamu okwetolora.

Okugezza,wali ozinye ku Mapuko? ate kwassa kwassa? era wali obibiirizza kungoma enganda?

Era awo Omuganda weyagelera nagamba nti,""OWENZINA MBI...ABIBIIZZA MUBABE"

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by JeenaJulia - 2007/11/27 09:12

Okuzina kyeki? Okubiibya kyeki?Kuba kati ndabye olugeero mbu " Owenzina mbi..abiibiza mubabe".One might be a subset of the other.Omukubi we ssimu ayinza okuba nga yali mutuffu basing on what he had in mind.By the way omuntu asobola okubela omutuffu munsobi yee oba omukyamu mubutuffu.Ani agamba...?

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by omumbejja - 2007/11/27 17:04

OWANGE JJ WAZZE KUBUZABUZA MUBUTUUFU BWENSOBI ZO? OBA OLINDA KUKYAAMA MUBUTUUFU BWO? NZE NGAMBA

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by xaza - 2007/11/27 18:45

Kituufu nti mukuzina mulimu okunyeenya ekiwato. Ate era mulimu nokukozesa omukira nga kawakayima kekazina. Nga bwekimanyiddwa, enzina yamirundi mingi. Kisinziira ku luyimba lwoba owuliriza naluyimba engeri jassamu ebisoko. Azina soukous azina mungeri yanjawulo okuva ku azina amazina amaganda, oba dingidingi, oba salsa...

Okubiibya nze ngamba nti eyo ngeri yakuzina mazina maganda mungeri eyempolampola. Oyinza okuba ng'ozina, ate nokyusamu notandika kubiibya, sso nga tolekedde awo mukolo gwonna, oluusi nga kisinziira ku akuba engoma bwaba ng'akyusizza enkubaye.

Kawakayima tekasoboka kubiibya. Kko kazinabuzinyi nga kakozesa omukira gwako.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by omumbejja - 2007/11/27 21:20

Kati ndowooza tuyiinza nolugero okulukyuusa nti owembiibya mbi azinira mu babe mbadde ngamba nti amazina gawakayima baba balina gamba nti kawenjula ekiwenyo

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Meli - 2007/11/27 21:30

Okuzina kwe kunyeenya ku galiba enjole, okubiibya kwekugakyuusamu. Ebyo ebye mikira mubiveeko, eyo topic ndala eri eri wa Senga Agnes ne kojja Ajjok

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by JBugonzi - 2007/11/28 01:53

It seems we have failed to reach to to compromise. KAKATI NZE AWO WEMBULIZZA ABAKIISE MWENNA NTI,,,,,Wamma Bwotazina mazina,ozina ki???????????????

Ithink we can change the topic from there.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Meli - 2007/11/28 10:34

Ahaa, JBugonzi ekyo kinnemye. Kale nkuwadde ekyaalo -- Lungujja. Kati bwobeera mu Lungujja mwo omwo, era nga ggwe mayumba kkumi waayo, nga nabagenda e Birmingham ggwe obawa empapula zebetaaga, era nga bakuyitaba wangi ssebo, si baby naye major connector. Nondabirako mukazi wo, bwotazina...

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by xaza - 2007/11/28 12:02

Bwotazina mazina obeera "wefunnuggula". Edda twayimbanga nti: "Ali kungulu atagala obudde bumukyaako..." Olwo nendyoka nsesebbula engalabi okuzaama. Anti abakazi nebayimba: "Omulenzi akuba engalabi nja kukulowooza..." Nolyoka olaba kawakayima bwekatenga omukira gwaako omuwanvu, omunene, oguliko nomutwe.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by JeenaJulia - 2007/11/28 13:06

This topic is now tantalizing me concomitantily.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by xaza - 2007/11/28 13:34

Interesting... The solution is simple, JJ. Get committed...

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA
Posted by Meli - 2007/11/28 17:57

Abakazi nebayimba nti omulenzi akuba engalabi nja kukulowooza? Awo kindabikira Xaza kyaava abuuza; Ddi? Ndowooza kati nga bwendiwano, ate onondowooza ddi? Olaba ne kawakayima kali busy....

Yye maama ezo embuutu mwazikubiranga wa, mu kibira? Ggwe ate eyo wakayima gyeyefunnuggulira!!

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by omumbejja - 2007/11/28 19:51

Xaza nzijukira nga Bugonzi eya nyonyodde nti wakayima was a Hare kati gwe engeri gyo kannyonnyola .....nkubuuza okyayogera ku Hare oba kati oli kubibyo birala, just checking..... eteekwa okuba ngengalabi gye wakubanga nga yali ekusensedde netandika okukwogeza ebya njwajwa

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by JBugonzi - 2007/11/29 01:10

Abange,,,kuno tekukyaali kuzina wabula kifuuse Kitalo. Gwe ate olaba muyingiddemu n'embuutu,Olowooza temutele kukubilamu Ssekitulege????????

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by omumbejja - 2007/11/29 03:48

Ndowooza bwotekamu ssekitulege awo wooba wefunuggulira, naye bweeba embuutu oyinza okuseesaako obuseesa, ate bwegaba agembaga otintimya mati ntimye. Kasita aba Xaza siyaali kungalabi ate nga gikubira mukibira wakati kuba eyo ye alinayo abazinyi abali special , abasinga okuwomerwa, engeri gya gibwatulamu nebasalawo okunyeenya.....yye yyekka kyamanyi

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by JBugonzi - 2007/12/02 02:40

Xasa Sebbo,nga engalabi yo yasilsse,ate olabadde? Gundi gila otukubile embuutu ffe twagala kunyenya kugaliba enjole. ATE OLABA N'ABA SCIENCE BATUGAMBA NTI BW'OTAZINA OYINZA OKULWAALA. Ffe tubattulile engalabi kuba nengela Omumbejja,Meli,kalibatanya,Jenna julia ne Group Bbonna b'etefutefu okunyeenya "watto" zaabwe.

Olaba kati ne kawakayima kali bored. Wamma abazinyi mulaba mutya???????????

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by Kalibattanya - 2007/12/04 11:36

Nze mmaze nokwesiba, muyite Tonto ajja alabe bwennetinkuula. Xaza, mwana wattu tokodowalira ngalabi. Sabula eri agamba nti;

Ha Bbwete eggere,

Ha kwata eggere

Ha nyweeza eggere

Ha wuuba eggere

Ha wanika egere

Eggere, eggere ,eggere, eggere

Bbwete eggere.

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by omumbejja - 2007/12/04 17:18

Owange nga lwaaki of all places owaanamu ggere ndaba big foot:woohoo: mbande ngamba nti baba balina kuwaana kugonda kiwato naku nyeenya ku nnamunyama

==========

Re:SI KUZINA KUBIIBYA

Posted by Phad - 2007/12/05 01:25

Abamu bagamba nti "Olikyemaanya....".asobola amaleyo,naye ne Xaxa alikituukako.

Okujjako nga ssebo ggwe olimu olusezisezi,wa gye bakubira engalabi,ekireeta ne Wakayima okusembera alage omukira gwe? Eyakiyise ekibira yasinzeeko.

Ye ani yakugamba nti omukira gukola ekirala okujjako okutenga?

Eyagambye tubitwale ewa Senga Agnes ne Kojja Ajjok yasinze kubanga bisusse!

Naye okumanya kwange kuli kuti:-

Okuzina kwe kukozesa ekiwato ku mbuutu,oba endongo...awo seyongerayo.

Okubiibya kwekugezaako okukkiriza omubiri gwo oku responding-a ku kinyegenyege ky'embuutu oba endongo,nonyeenyamu kko katono oba kwewandiyise (Rocking).Kino okikola mu motion ya sideways.

Abatamanyi kukola mirimu naye nga baagala nabo beerage babalabe, bakola ekiyitibwa okwefunuggula.Ka jibe mirimu oba mazina.

Kaakati mbadde njagala nkyaaleko ewa Xaxa gyeyakulira,ndabe ku zi wakayima zaayo bwezirina emikira egyo eminene ssebo egiriko n'emitwe!

Ahaa

==========